Nga 31st Dec Eriyo Marathon Ya Sunday Family Show
Posted by Meli - 2007/12/18 15:43

Ba presenters baffe, Queenie ne Mike batutegezezza nti show ya new years' day, egenda kubeera marathon ya program omuli enyimba zonna eze ki Africa nga mwemuli ne ze ki Zaire ezasimibwa ba nna Uganda abangi. Batusabye tusabirewo ennyimba zetwagala kati. Kijja kubeera kiyitirivu. Tutandike okwogera ku ngeri gyetukyesungamu. Abatabeewo mwogere ku nsubwa gyemunakisubwa mu.

==========

Re:Nga 31st Dec Eriyo Marathon Ya Sunday Family Show
Posted by JeenaJulia - 2007/12/20 09:05

Okukyesunga tukyesunga naye ndowoza cables kuluno baziwanike wagulu kuba Queenie bwanaba azina tuyinza okukoma ku kunjokye.Olaba yekyusa bwekyusa mu Studio nazitulila ebyuma nebisilika,olwo ate bwanaba anyenya kinaba kitya?I just dont wanna miss a thing.

==========

Re:Nga 31st Dec Eriyo Marathon Ya Sunday Family Sh
Posted by omumbejja - 2007/12/20 18:48

Nze ndowooza list yenyiimba zaffe nawano tuziseewo kiyambe abasabye enyimba okujjukira nokusaba enyimba ezitafanagana kituwe nomukisa okujjukira ezo zetwelabira nze eyange list ngenda kuginoonya ngireete

==========

Re:Nga 31st Dec Eriyo Marathon Ya Sunday Family Sh
Posted by Meli - 2007/12/21 22:27

Ate olinda ki? Nze mpozzi kyennandiyagadde okusaba, nga bwetugenda okuzannya eze ki Africa, tetuyinza kuteekamu neza ba African Americans? Anti naabo ba Africa ba mu Diaspora. Mpozzi mututeremu ne ku luswayiri wakiri, naye olu Zaire lube lutono, abasinga tetulutegera. Tubanga abali ku party ya instrumental music. Ffe abamu tucacanca bigambo. Sikwekugenda newejaga nga bakukkakkanyeko bakungoola.

==========

Re:Nga 31st Dec Eriyo Marathon Ya Sunday Family Sh
Posted by JeenaJulia - 2008/01/01 12:42

Abemikwano mukulike entujjo yeggulo.Mike,Queenie ne Omulongo Kanyerezi twasimye nyoo byonna banaffe ,temujja nga okwo.Oba Robster abaayaye yabawonye atya?

==========

Re:Nga 31st Dec Eriyo Marathon Ya Sunday Family Sh
Posted by robster - 2008/01/03 13:27

---

naye ssenga okimanyi nagamba emisambwa ,emizimu byabuganda binkuuma kati ate obuzaki? ate nabadde nga munamawulire nga njogera maba Mukulu mike neo Mulongo kati nga tewali ansemberera.bwenagaseko okuba ne ka kokubisambi kyayitiridde!okimanyi omunafu alya gwasinze esega tegwa kumulamu!nabayaye balina olubu lwabantu bebatambala.ate mukulu tuutu naye yayongeddemu nyo amanyi nga mpa obukuumi ntukilize emirimu gya kampuni.banange mwebale kusaba

==========

Re:Nga 31st Dec Eriyo Marathon Ya Sunday Family Sh
Posted by omumbejja - 2008/01/03 20:30

Ssebo Robster ogira okyakulikayo watukikiridde bulungi era katulowooze nti watintimizaamu ku galiba enjole noyingira omwaaka ngooli kamaala naye leero ako ku bisambi ako sikafunye bulungi naye kateekwa okuba nga kakukuumye bulungi kati sumulula luwombo.

==========

Re:Nga 31st Dec Eriyo Marathon Ya Sunday Family Sh

Posted by JeenaJulia - 2008/01/03 21:32

Omumbejja ssebo,ako kubisambi ategeza ka Bisambi-top.Eeeehhh mpozzi mwe mukeyitila ka LAPTOP mululimi olufuti futi?

==========

Re:Nga 31st Dec Eriyo Marathon Ya Sunday Family Sh

Posted by robster - 2008/01/04 09:07

---

omumbejja obugambo bwona ssenga jj yabumpa tabaze engabo muluganda (naye kyenjogedde kituufu????)simanyi munyambe.munaye nandiganiddewa okubibya nya omuzira ava mungeye neyamudiridde! awo omumbejja wegambira nti engeye katonda yagitonda yeteseza .nsaba ngitwaleko mulubiri.

==========

Re:Nga 31st Dec Eriyo Marathon Ya Sunday Family Sh

Posted by omumbejja - 2008/01/04 10:30

Robster gwe owengeye oba osabira mulala kati tujja kulaba olunaku byonna ebyetagibwa bitegeke nze oluntemyaako nti kiri mulaala nga twessa mu ddene awo wa tya?.

==========